# Kaliisoliiso alaze engeri Among gy'abadde yeekomya ssente za Palamenti

Bya MUSASI WAFFE

LIPOOTI ya Kaliisoliiso wa Gavumenti, Aisha Naluzze Batala ku eyali Sipiika wa Palamenti, Anita Among, erimu ebiwuniikiriza ku ngeri ssente za Palamenti gye zaafulumangamu mu ngeri eriko ebibuuzo.

Ensonda mu ofiisi ya Kaliisoliiso zaabuulidde ***Bukedde*** nti lipooti eno yawedde n'eweerezebwa Pulezidenti Museveni agyekebejje ng'okunoonyereza okugazi ku ngeri Among gye yakung'aanyaamu obugagga bwe kugenda mu maaso.

Ebitongole by'ebyokwerinda biri mu kunoonyereza ku Among ku misango gy'obuli bw'enguzi, okwegaggawaza mu ngeri emenya amateeka, n'okukozesa obubi ofiisi.

Ebimu ku biwuniikiriza ebiri mu lipooti eno, ze ng'endo z'ebweru w'eggwanga ezigambibwa nti Among teyazigendako, kyokka ssente ne zifuluma. Ensonda zigamba nti eng'endo zino ziri 25, kyokka lipooti yasinze kwesiba ku ng'endo musanvu ezeewuunyisizza abanoonyereza. Zino kigambibwa zaaliwo wakati wa September 6, 2023 ne January 29, 2024, nga mu bbanga lino kigambibwa nti Among yaweebwa obuwumbi bubiri n'obukadde 600 okutambula ebweru ku mirimu emitongole.

Olugendo olumu lwali lwa nnaku 30, nga Palamenti yawa Among obukadde 499, ng'ebiwandiiko biraga yagenda ku luwummula nga September 6, 2026.

Yafuna olugendo olulala, nga kigambibwa nti Palamenti yamuwa obukadde 494. Era kigambibwa yafuna olugendo olulala lwa nnaku musanvu e Kigali mu Rwanda n'asasulwa obukadde 106, kwossa ennaku ndala nnya ze yagenda e Italy, nga kigambibwa yaweebwa obukadde 98.



Among

Era nti waliwo n'olugendo olulala lwa nnaku 43 e Kenya, nga kigambibwa yaweebwa obukadde 653, kw'ossa ennaku endala 20 ze yagenda e South Africa, ne bamuwa obukadde 318.

Ensonda era ziraga waliwo olugendo olulala lwa nnaku 30 e Kenya, nga kigambibwa Among yaweebwa obukadde 487.

Ebitongole by'ebyokwerinda biri mu kunoonyereza ku bintu bingi ebikwatagana n'engeri Palamenti gy'ebadde eddukanyaamu emirimu, era kkalaani wa Palamenti Adolf Mwesige, n'akulira ebyensimbi Patrick Kunobwa nabo bali mu kubuulirizibwako ku mivuyo gino.

Among era bamunoonyerezaako ku bigambibwa nti yawa abantu bangi emirimu ku Palamenti nga tebayise mu mitendera emituufu.

Era kigambibwa nti mu lipooti eno, mulimu ebyobugagga bya Among ebigambibwa nti teyabyanjula eri Kaliisoliiso wa Gavumenti ng'amateeka bwe galagira.